# Abasuubuzi balaajana lwa bicupuli

Bya MOSES LEMISA

EBICUPULI bya ssente ebisaasaanyizibwa akabinja k'abantu bitadde abasuubuzi mu kufiirizibwa ne basaba be kikwatako okusitukiramu okulwanyisa omuze guno. Babigabira mu mmotoka ez'olukale nga ttakisi, mu butale, ku maduuka, emidaala n'awalala.

Abasuubuzi baagala Gavumenti eveeyo esomese Bannayuganda engeri omuntu gy'atebukamu ssente ez'ebicupuli n'azaawula ku nnamu kuba abafere bakozesa omukisa gw'obutamanya bw'abantu ne babawa ebicupuli. Abasuubuzi bangi abazze bafiirizibwa era baategeezezza nti ebicupuli ababisaasaanya bakikola kiro mu butale, mu maduuka n'emidaala nga bwe bakugwako nga tolina kuuma kakebera ssente ate nga naawe tobimanyi oba owedde!

Omwogezi wa Poliisi mu Kampala n'emiriraano, Rachael Kawala yawadde amagezi abasuubuzi abalina obusobozi okufuna obuuma obukebeera ssente. N'asaba Bannayuganda okukwatagana ne Poliisi bagiroopere obubinja buno we businziira era bwe bakwata omuntu yenna n'ekicupuli bategeeze Poliisi bunnambiro, etandikire kw'oyo.

Omu ku basuubuzi, Sulaiman Kigongo, yagambye nti obubinja buno bweyongedde ng'okusinga batambuza 10,000/-, 20,000/- ne 50,000/-. N'abuuza nti, bw'eba Gavumenti ssente ezikozesebwa eggwanga ezikubira bweru, kijja kitya abafere okuba n'obuuma obukola ebicupuli?

Omusuubuzi omulala Abdu Ssekasamba yagambye nti, ku ntandikwa ya January omwaka guno yali Kawempe ku Ttaano, omukazi n'amugulako enkoko za 200,000/- era yamuwa obw'e 50,000/- bwokka. Olw'okuba yalina bakasitoma abalala, teyafaayo kuzeetegereza era yakizuula luvannyuma nti baamuwadde ebicupuli!

Ssentebe w'abasuubuzi mu lufula y'oku Kaleerwe, Sulaiman Ssekannyo yagambye nti, omuze guno gye buvuddeko gwabadde gucaase mu lufula naye baagulwanyisa, nga kati ababisaasaanya mwe bali naye batono.



MOSES LEMISA

Ebicupuli ebyasangibwa n'omufere gye buvuddeko.

## Abantu kye bagamba



**Sauda Nagujja: Simanyi lwaki Gavumenti teyisa amateeka amakakali ku bantu abakola ssente z'ebicupuli kuba baviiriddeko bangi okufiirizibwa. Ekisinga okwewuunyisa, bwe bakwatibwa bayimbulwa kasita baba na kintu kidogo.**



**Omulangira Badru Kakungulu: Mu Uganda buli muntu akola kimusanyusa, talumirirwa mulala. Ebintu bingi ebicupuddwa era abakulembeze mu Gavumenti ensonga zino bazimanyiiko naye balabika tebazifaako.**



**Justine Nalweyiso: Lumu nalinnya takisi, kondakita n'ansaba kyengi n'ampa 50,000/- ez'awamu, ng'enda okutuuka awaka nga kicupuli! Gavumenti ssente ze tukozesa ezikubira bweru, lwaki bazicupula?**